# Pulojekiti y'okuseeteeza kasasiro e Kiteezi ezzeemu omukoosi

Bya SARAH ZAWEDDE

PULOJEKITI ebadde eseeteeza kasasiro e Kiteezi ezzeemu omukoosi oluvannyuma lwa ssente ezibadde zigikolako okuggwaawo.

Pulojekiti eno ebadde essibwamu ssente Gavumenti ya Japan nga yagiteekamu akakadde ka doola za America kamu (mu za wano 3, 725,348,000/-) nga zaayita mu kitongole kya UN Habitat.

Ssentebe wa Lusanja Zooni e Kiteezi, Samuel Kibuuka Walusimbi yategeezezza nti, pulojekiti eno yabadde ya myezi esatu nga yatandika mwaka guwedde n'eggwaako mu March omwaka guno. Kibuuka yagambye nti, emirimu gya pulojekiti eno gyayimiridde oluvannyuma lwa ssente okuggwaawo.

Yagambye nti, ng'abatuuze babadde n'essuubi nti, entuumu ya kasasiro, pulojekiti eno egenda kugiseeteeza aggweerewo ddala, wabula kati tebamanyi kigenda kukolebwa kuba n'Abajapan abaabadde bakola omulimu bazzeeyo ewaabwe.

Kibuuka yagambye nti, kasasiro ono atudde ku yiika 35, wabula gwe basobodde okuseeteeza ali ku yiika 14. Omulimu kkampuni y'Abajapan ebadde egukola ne bayinginiya ba KCCA nga babadde bakozesa tekinologiya omwangungu nga balese bamutendese abantu abamu nga basobola okumweyambisa.

SARAH ZAWEDDE



Walusimbi ng'alaga tekinologiya w'eppipa eyakozeseddwa n'amabibiro agaateereddwaamu.

Tekinologiya ono bakozesa amapipa ge bazizika amayinja wakati ne bateekamu payipu eyambako okufulumya ggaasi ebeera mu kasasiro. Ggaasi ono abeera wa bulabe nga ye yavaako obuzibu obwavaako okubumbulukuka n'abuutikira abantu 35 ne bafa ate 280 ne bafuna obuzibu.

Ku mabbali g'eppipa bazizikayo amayinja agayambako okukenenula amazzi amacaafu agakulukuta mu kasasiro nga bagatemedde emyala egigatambuza ne gakung'aanira mu kidiba. Amazzi ago gasobola okulongoosebwa ne gakozesebwa ebintu eby'enjawulo.

Yagambye nti, mu bifo gye baaseeteezezza kasasiro n'akka, baataddemu embibiro n'enguudo mwe bayiwa ettaka nga mwe bayita n'emmotoka okutuuka ku ntikko y'entuumu ya kasasiro.

Ate omumyuka wa Ssentebe, Anna Mbabazi yagambye nti, mu kitundu kasasiro gye baamukkakkanyizza, takyali wa bulabe era abantu basobola okutambulirawo. Yasabye Gavumenti okuyambako okufuna abantu abalala abayinza okuyambako ku pulojekiti eno.

Akulira KCCA, Sharifah Buzeki yategeezezza nti, KCCA tekyaddamu kuyiwa kasasiro e Kiteezi. Yagasseeko nti, baatandika okuseeteeza kasasiro e Kiteezi era bataddemu embibiro n'asobola okukendeera.

Yagambye nti, enkola eyakozeseddwa eyitibwa FUKUOKA nga yakozesebwako mu Ethiopia bwe baafuna ekizibu kye kimu. Yagambye abantu 96 baaliyirirwa nga babiri bokka be baasigalira era balindiridde biwandiiko byabwe.

## Kye bagamba



**Wilberforce Kaweesa :** Gavt. enoonye ssente mu ngeri yonna esalewo kasasiro atuviire mu kitundu. Emmotoka ezizungira mu kitundu nga ziriko kasasiro twazikoowa.



**Charles Kabunga :** Abantu b'e Kiteezi babonyeebonye ekimala ne kasasiro kati abakola mu kumuggyawo bwe bayimiridde, kiki ekiddako? Basseewo ssente ndala tuyambibwe.



**Ruth Mazzi :** Tubadde tufunye ku ssanyu nga tulaba mmotoka zisala kasasiro nga tulowooza agenda kuggwaawo mangu tufune ku buweerero.